Obutali Bwenkanya Tebuganya Buganda Kuganylwa Mu Uganda Name

Kyanjo Hussein

Email: hkyanjo@yahoo.co.uk

Nesiimye okwetaba nammwe kumukutu guno olwensonga y'o lukungaana Ttaba Miruka.

Ennaku zino mu Uganda ekyogerwako y'ensonga ya Buganda okwekutula ku Uganda eyawamu, oluvannyuma lwokuzuula nti tekikyaali kyamugaso okubeera awamu.

Nandyagadde nnyo ensonga eno tugisseeko omulaka, era ndi mwetegefu okwoogera kumulamwa guno nga ndaga "ENGERI OBUTALI BWENKANYA BWEBUTAJJA KUGANYA BUGANDA KUGANYULWA MU UGANDA EYAWAMU". Njagala okulaga engeri Buganda gyezze esalirwamu amagezi agagidibya, gamba nga okugilwaaniramu entalo eziganyula abalala, okugijjamu emisolo ~~we~~ gigasa abalala, okugittira emirimu egyayimirizangawo abantu baayo nga abafuzi bwebayamba emirimu egyabantu baabwe gyo okuyimirirawo. Kinajukirwa nti Abaganda beebasinga okuwaayo ensimbi mu lutalo olwatuusa Museveni mu bufuzi kati mwasinziira okutufutyanka. Ffe twasiinga okufiirwa abantu n'ebyo'bugagga ebyenjawulo, kyokka nebyaali bitafudde mubutanwa byattirirwa mu bugenderevu, gamba nga Obwegassi n'ebyabulimu byonna, twalina emirimu gya Baganda gamba nga Teefe Bank, Greenland Bank nebyaali bigigoberera, Sembuule Bank ne factole ze zonna, Kyagalanyi Coffe Factory, Zigoti Coffe Factory, H.M. Nsamba Coffee Factory, n'emirala mingi gyatugibwa, sso nga kati Tristar eteeberezebwa okuba nga ya bakulu yakagwa enfunda ssatu, nga omuwi w'omusolo awalirizibwa okugirondawo. Basajja Balaba yakagwa enfunda biri ssinzigu nga omuwi womusolo amunu**nu**za busanga.

Waliwo enkola eboola abantu ba Buganda mu mirimu egy'ekinyusi, abantu abava mu bitundu omufuzi gyaava bokka beebagimamiidde -- olukalala nja kujja nalwo. Bali mu bitongole ebikuuma ddembe byonna, mu byensiimbi byonna mu nsoga ez'omunda n'ebweru w'eggwanga ne mu gavumenti ezebitundu.

Amasomero gaffe gagenda galiibwa mpola, nga ffe twasigaza mannya nabizimbe abayizi abagalimu ssi bafe kubanga ffe batuzimbidde aga "*bonna basome*."

Ebirime byaffe nga emwanyi, amatooke, vannila, n'ebirala byasuulwa akatale mu bugenderevu naye ensi temanyanga. Abalunzi kati be babunyisibwa emiwabo.

Kampala yajjibwa mu Buganda, nga nolwekyo toyinza kukaayanira mirimu giri mu Kampala nga omunnankole bwakayanira egy'e Mbarara.

Bagenda basenza abantu mu bitundu bya Buganda ebiri kunsalo yaayo n'ebitundu ebirala n'oluvannyuma bajja ku bitemerako disiturikiti ezaabyo, Buganda esigale kaweta buweta. Ebifa e Bugerere, e Kiboga, e Nakasongola, e Mawogola, e Buwekula, e Kabula, e Kooki e Buvuma ne Ssese bangi tebabimanyi. Mu bufunze nze abitwalidde omutawaana n'entegeera ekigendererwa ekibirimu kyenvudde n'evaamu njatule ekigambo kino ekinene era nkiwerekere n'amaanyi gange n'amagezi okutuusa Katonda lwanatugussa ku buwanguzi, n'ebwendifa ndyegolola bulungi, okusiinga okuwagalira mu buddu n'obuyinike nga omubuya.

Haj Hussein Kyanjo